# Emyaka 55 egy'akatale ka Owino mu ntalo

Bya HANNINGTON NKALUBO NE MOSES KIGONGO

## Obunkenke bweyongera buli olukya



Ekimu ku bitundu ebyamenyeddwa ku mulyango oguyingira mu Owino.

AKATALE ka St. Balikuddembe akamanyiddwa nga Owino kayise mu ntalo ezimaze emyaka egikunukkiriza mu 55. Mu kiseera kino abasuubuzi abakakoleramu bali ku bunkenke nga batya nti kayinza okusaanyizibwawo konna.

**ENTANDIKWA Y'AKATALE KANO**

Nga October 01, 1971, akabinja k'abasuubuzi abaali bagobeddwa KCC ku luguudo ne mu luggya lw'akatale e Nakasero baasitula ebyamaguzi byabwe ne bagenda mu kifo ekyali ekyolusaalu n'ettosi ne batandikawo akatale ka St. Balikuddembe kati akafuuse ensonga.

Bano baali baludde nga bayigganyizibwa KCC naye nga bakola ku kifuba wakati mu kukwatibwa. Baali baasaba dda KCC ebafunire akatale kubanga ak'e Nakasero ne Shauriyaako obwazimbibwa mu 1927 bwali bwajjula dda ate ng'abakungu mwe bagula.

Wakati mu kwetamwa okugobaganyizibwa, abasuubuzi baalinda eyali Pulezidenti w'eggwanga ku luguudo lw'e Ntebe okumpi n'omuzikiti gw'e Nakasero ne bamuyimiriza. Baamusaba abayambe abafunire ekifo we bakolera.

Yababuuza oba balina ekifo kyonna kye balaba kwe kusonga ku kibangirizi ky'essaawa ya Kkwiini n'awali ppaaka empya, byonna n'abigaana. Baamulaga olutobazzi nti, bagenda kutereezaawo n'akkiriza.

Eyabakulira, Muzeeyi Skyve Kalema 86, nga kati abeera Nansana, yategeezezza nti bangi baabavuma okusenga mu lusaalu kyokka olw'okuba baali beetamiddwa ebikwekweto bya KCC, baasalawo okutandikawo akatale kaabwe.

**ENTALO**

Okusenga mu kifo ekyo, baasangamu omusajja Munnakenya eyayitibwanga Owino ng'atunda kasooli omwokye. Baasalawo bamubbulemu akatale olw'erinya lye yali yeekoledde mu kwokya kasooli. Akafo ke yali atereezezza nga w'ayokera buli omu ke yali akaayanira okuteekawo emmaali ekyavaako olutalo nga tewali ayagala kugenda bbali mu lusaalu n'amazzi era kyabatwalira ebbanga okutereera.

KCC okubategeka basobole okuzimba emidaala tekyali kyangu era waabalukangawo entalo okutuuka bwe baatereera. Mu 1998, abasuubuzi baasaba KCC ebazimbire ebiyumba n'okubatereereza bawone amazzi, ekyavaako olutalo ng'abamu babalwanyisa.

Wakati wa 1995 ne 1997 KCCA yakolagana ne Bbanka y'ensi yonna eyabazimbira ebiyumba n'ekola emyala n'okubatereereza wansi n'enkokoto. Abasuubuzi ne basigaza kya kwezimbira midaala n'amaduuka. Kino kyasitula olutalo nga bagabana ebifo ebisava. Abamu baatandikirawo okulwanyisa eyali ssentebe waako, Godfrey Kayongo Nkajja nti akukuta n'abagagga era awo abamu we baatandikira okumukyawa.

KCC bwe yawa obuvunaanyizibwa kkampuni y'abasuubuzi eya UMOT bayoole kasasiro, kyasitula olutalo kakuuse nga luva ku mmotoka egambibwa nti yabaweebwa Pulezidenti eyambe abasuubuzi.

MU 2003, KCC bwe yaleeta enkola y'okugaba ttenda, akatale ne kaweebwa kkampuni ya Basajjabalaba ekaddukanye, olutalo lwabalukawo ng'abamu bawakanya omugagga okubakulembera.

Abasuubuzi baakalambira Basajjabalaba ne bamufulumya akatale ne batandika okwekulembera mu kkampuni yaabwe eya SSLOA eyali ekulemberwa Kayongo. Obukulembeze bwa Kayongo bwafuna okusoomoozebwa ebiwayi ebyasoba mu 10 bwe byamweyawulako nga buli kimu kimulwanyisa kyokka ekyali kisinga amaanyi kya Cooperative ekikulemberwa John Baptist Kivumbi eyali akulira oludda lw'akatale olwamenyeddwa.

Ebiwayi byonna Kayongo yabiwangula era mu 2009 Gavumenti n'erangirira nti abasuubuzi basobola okwegula mu butale bwabwe ne babwezimbira. Kino kyabawa amaanyi, aba SSLOA ne beewola ssente obuwumbi bubiri n'obukadde 400 ne basasula KCC n'ebawa liizi.

Liizi yasajjula entalo ng'abamu balwanyisa Kayongo era aba Kivumbi ne bagaana okusasula. Entalo zaayinda okutuusa Kayongo bwe yabalemesa, kkampuni ye n'efuna ebyapa ku yiika musanvu ezikola akatale.

**EBYAPA NABYO BYAYONGERA LUTALO**

Ebbanja lya bbanka lyalinnya ne lituuka ku buwumbi 10 kyokka Kayongo n'akkakkanya abasuubuzi ne basasula wadde abamu baali bamuwakanya. Abasuubuzi baagula ettaka nga bayita mu kusolooza ssente z'akatale mu Kisenyi kyokka lyasitula entalo nga buli omu alwanyisa Kayongo. Okusaba pulaani z'akatale basobole okuzimba ekiseera ekyo, nga buli kimu bakikolera mu lutalo.

Kayongo oluvannyuma yaggyibwa ku bwassentebe ne balonda Joseph Lwanga wakati mu lutalo kyokka era tekyayamba, akatale KCC n'ekaggya ku basuubuzi, oluvannyuma lwa Pulezidenti Museveni okuyisa ekiragiro nti KCCA y'erina okuddukanya obutale.

**KUSHABA AYINGIRAWO**

Nga March 5, 2021, Suzan Kushaba yalondebwa okukulembera Owino. Yatandikira ku kugoba n'okukyusa obwannannyini bw'emidaala n'obuduuka obwali obwa basajja ba Kayongo. Yakyusa obukulembeze mu biyumba n'agaba n'obuvunaanyizibwa obw'enjawulo abamu ku basuubuzi ne basoberwa.

Yayisa ebiragiro ebikakali omwali; obutaddamu kusasula landiroodi yenna ssente z'emidaala n'obuduuka nga ssinga landiroodi avaayo okuwakanya, poliisi ng'emukwata.

Kushaba yeenyigira mu nteekateeka z'okuyonja akatale nga bayoola kasasiro n'okuteeka ppeeva mu bibangirizi omukolerwa bamufunampola, okuteeka amataala g'amaanyi g'enjuba mu bifo ebikolerwamu abantu abangi, ebyemizannyo n'ebitone n'okuwa akatale obukuumi.

Enkola ya Kushaba yasitula entalo n'enjawukana mu bakungu ba Gavumenti abamu era yali takwatagana n'omubaka wa Pulezidenti mu Kampala Central, Hawa Ndege. Kushaba yalwanyisa aba Kayongo n'obukulembeze bw'ebibiina byonna mu katale n'akunga abasuubuzi bawagire KCCA yeddize buli kimu okuli amaduuka n'emidaala. Buli eyalina obwannannyini ku musingi okwazimbirwa akatale ne bababaggyako!

Entalo za Kushaba zaaleka abasuubuzi bayenjebuse n'obwannannyini bw'akatale ne bubaggyibwako era ebyapa ne bisazibwamu.

Loodi mmeeya Lukwago yategeezezza nti kati KCCA erina obwannannyini obw'enkomeredde n'ebyapa tebikyali bya liizi.

Wabula olutalo lw'obwannannyini lukyaliwo, aba SSLOA ensonga baazitwala mu kkooti era bawera nti okuggyako nga basasuddwa, tebasobola kufiirwa ssente zaabwe.

Kushaba naye yagobwa mu katale era egglulo yeetondedde abasuubuzi nti teyamanya bwe yabakunga nti, KCCA yeddize amaduuka n'emidaala gyabwe.

Emisango gibadde gikyali mu kkooti, ekitundu ku ludda lwa Kivumbi bwe kyamenyeddwa ku Lwomukaaga ekiro. Oludda luno kyazuuse nga luli mu kibangirizi kya mwala gwa Nakivubo era omugagga Hamis Kiggundu yakikoze okusobola okutereeza entambula y'amazzi n'okutangira obucaafu obubadde buva mu katale.

Ssentebe w'abasuubuzi, Joseph Lwanga yalaze nti eryo ttaka ly'abasuubuzi kyokka n'oludda lwa Hamis Kiggundu lulaga nti lya mwala. Entalo mu katale zizze zibeeramu omubadde n'amasasi okuvuga nga kati ekifo kikuumibwa poliisi n'amagye.

## 'Gavumenti etuyambe'



**Ismail Kawuma; Entalo zitufiirizza nnyo emirimú era tetugenda kukkiriza kutwala katale kaffe. Twagala tukakulaakulanye.**



**Edward Junju: Tetugenda kukkakkana okutuusa nga tufunye akatale kaffe. Batutaddeko embeera naye entalo tuludde nga tuzirwana. Tusaba Pulezidenti Museveni atuyambe.**



**Swaib Ssennabulya: Naffe twagala okubeerako n'omugabo mu Kampala. Okutumenya, tufiirwa ssente n'ebintu. Gavumenti eveeyo etuyambe.**



**William Muwonge; Enkulaakulana tetugigaana. Bw'otunuulira embeera y'akatale n'ebizimbe bye bagenda okuteekawo, simanyi lwaki babiwakanya. Tulinde tulabe ekijja.**